**25th September 2016.**

# OKUSIIMA KW'OMUNTU N'OKWA KATONDA.

**Olubereberye 26:34-35, 27, 28:1-9.**

Mu ssuula zino tulaba okusika omuguwa okwabalukawo mu maka ga Isaaka okwajja okuva ku ani alina okuba ow'okutwala omukisa newankubadde nga kubaana ba Isaaka Mukama yali alonze Yakobo nga bwe kitulagibwa nga n'abaana bano tebannazaalibwa, mu ssuula 25:23.

**26:34-35**. Esawu ng'amaze okuwasa abakazi abakanani yaleetera bazadde be ennaku olw'okuba nti bano baali ba Kiit ekyakontana n'okwagala kwa Lebbeeka ne Isaaka nga bwetulaba mu ssuula eya 28:1, 7-8.

**27:1-4.** Katonda bweyali ayita Ibulayimu kitaawe wa Isaaka yamulagira kuva mu nsi Katonda gye yali y'okumulaga era nga omukisa gwe tegwaliko bukwakkulizo.
Era ne Ibulayimu bwe yali awa Isaaka omukisa okumwawula ku baganda be teyasinzira ku biki Isaaka bye yali asoose okukola wabula yasinziira ku kiragiro kya Katonda.
Mu nnyiriri zino tulaba Isaaka nga ye awaayo omukisa okusinziira ku kwagala kwe.Yalina okusalawo kwa mirundi ebiri;
i) Okulonda Katonda gwe yayagala alonde oba
ii) Okulonda aleeta omuyiggo.
Enkola zaffe ng'abantu bwezityo nti ne byetwafunira obwerere tweyisa nga abaabituuyanira.
Emirundi egimu omuntu enkola ye yaakulekawo omutuufu naalonda omukyamu kasita omukyamu aba ng'alina 'kyavaako'.
Okugoberera okwagala kwaffe kusobola okutwerabiza okwagala kwa Katonda.
Katonda yekka yaalonda abatuufu ne bwebaba tebasaanidde era nga okulonda kwe n'okwagala kwe tebiriiko bukwakkulizo.
Abaruumi 9:11-16, zigamba nti "Naye ng'abalongo tebannazaalibwa, era nga tebannabaako kyebakola kyonna ekirungi oba ekibi, okusiima kwa Katonda nga bwekuli, ssi lwa bikolwa wabula kubw'oyo eyabayita, kyategeezebwa Lebbeeka nti, "Omukulu y'aliba omuweereza w'omuto". Era nga bwe kyawandiikibwa nti, "Yakobo namwagala, naye Essawu namukyawa."

Kale tunaagambaki? Ddala ddala Katonda talina bwenkanya? Kikafuuwe. Agamba Musa nti, “Ndisaasira oyo gwendisaasira, era ndikwatirwa ekisa oyo gwendikwatirwa ekisa.” N’olwekyo tekiva kw’ebyo omuntu by’ayagala newaakubadde by’akola, wabula kukusaasira kwa Katonda.”

**27:5-17.** Lebbeeka yali akyajjukira nti Mukama yalonda Yakobo naye teyagoberera nkola ntuufu yakuluŋŋamya Yakobo mu ngeri ey’okufunamu ekisuubizo.Tuyinza okuba nga tulina ebisuubizo bya Katonda ku bulamu bwaffe bye tujjukira obulungi naye omutawaana guva ku ngeri gyetulindirira Katonda okubituukiriza era ng’emirundi mingi tubigoberera mu ngeri gye twagala so ssi Katonda gy’ayagala.Tukkirizenga okukola ekituufu newaakubadde nga abandituluŋŋamizza bakola bikyamu.

**27:18-29** Yakobo okuyita mu lukujjukujju yeefuula Esswu naatuukiriza okwagala kwa Isaaka kitaawe amuwe omukisa gweyali ateeseteese okuwa Essawu. Omutuufu afuna omukisa gwe naye nga agufuna mu bukyamu.

Abantu basobola okutukozesa ebikyamu singa bategeera okwegomba kwaffe era n’ebikemo biggya gyetuli nga biyita mu bintu byetusinga okwagala.

Tusse emitima gyaffe ku Katonda n’okwagala kwe kusukkulume okwaffe; olwo tunaawangula.

**27:30-40.** Omukisa guno gwali mukulu; gwaleetera Isaaka okukankana nga’tegedde nti aguwadde omuntu gw’atalina gguwa era ne guleetera Essawu okukaaba ng’ategedde nti Yakobo agututte.

Wano twandisuubidde Isaaka okuba ng’akkakkanya Essawu n’amubuulira amazima nti newaakubadde ye yali omubereberye naye Katonda yali alonze mutowe Yakobo.

**27:41-28:1-5.** Obutannyonnyola bw’abazadde bwaleeta obukyayi wakati w’ab’oluganda. Emirembe gireetebwa namazima wabula ssi na kusunguwala nga Essawu bweyakola era n’okwekweka tekuleeta mirembe.

Amazima galina okwogerwa kubanga ge gawonya newaakubadde nga galuma emirundi egimu.

**28:6-9.** Essawu ku mulundi guno awasa omukazi ow’okusatu asanyuse bazadde be newaakubadde nga yali amaze okufiirwa omukisa.

Tulabye enjawukana ezijja mu maka ne mu nkolagana zaffe n'abantu betutabagananabo;- Naye emirundi egisinga ziva ku bintu byansi.

Naye tumanye nti tulina omukisa ensi gwetasobola kutujjako.

Abaefeso 1:3-11.Katonda yatusiima era ffenna atuyita baana bwetwamala okukkiriza ekirabo ekisinga byonna eky'obulokozi era ng'okuyita mu Kristo Yesu ffena tuli balonde ba Katonda.

Ssi nsonga biki byetwasikira, biki bye tutaasikira, ani yatubba oba ani gwe twabba; Kristo y'ensonga enkulu.